# Palamenti eyisizza omusolo ku mafuta

Bya TEOPISTA NAKAMYA

PALAMENTI eyisizza omusolo ogw'ennusu 200 ku buli liita y'amafuta ga petrol neya Diesel okusobozesa ekitongole ekiwooza omusolo mu ggwanga (URA) okutuukiriza ekiruubirirwa kyakyo eky'okungaanya omusolo ogw'obuwumbi 44,500 mu mwaka gw'ebyensimbi ogujja.

Kiddiridde minisita omubeezi ow'ebyensimbi ku ntandikwa y'omwezi guno okwajula bajeti y'eggwanga ey'omwaka ogujja ey'obuwumbi 84,200 omwali n'emisolo emipya.

Okuli ogw'amafuta, ebizimbisibwa nga seminti, langi, omwenge, butto, beetingi n'emirala era sipiika ensonga n'azisindika mu kakiiko ka palamenti ak'ebyensimbi okwongera okuzikubamu ttooki.

Mu lutuula lwa palamenti eggulo ku Lwokubiri, ssentebe w'akakiiko ako Amos Kankunda yasomedde palamenti lipooti era nagitegeeza akakiiko kye kasazeewo ku misolo egy'enjawulo oluvannyuma lw'okwebuuza ku bitongole ebikwatibwako omwali ne minisitule y'ebyensimbi.

Akakiiko kakaanyizza ne Gavumenti 200/- z'ongerwe ku buli liita y'amafuta ga Petrol ne diesel ekitegeeza nti buli liita ya petro Gavumenti gy'ebadde esolooza 1550/- kati yakufunako 1750/- ate eya Diesel ebadde ku 1230/- kati ya 1430/-.



Omubaka Amos Akunda ne minisita omubeezi ow'ebyensimbi n'okuteekerateekera eggwanga Henry Musaasizi mu kafubo mu Palamenti oluvannyuma lw'okuyisa omusolo ku mafuta.

Wabaddewo okusika omugwa ku musolo ogwe 1000/- Gavumenti gweyayanjulira okutandika okuggya ku buli kasawo ka kkiro 50 aka seminti, white cement, lime, grout, ne adhesives.

Wadde nga ebizimbisibwa bibadde biggyibwako omusolo gwa 500/- okuva 2015, akakiiko kaasazeewo omusolo gubeere gwa 750/- .

Langi ne Vanisi ebiggyibwa ebweru w'eggwanga biteereddwako omusolo gwa bitundu 10 ku 100 oba 2000 buli liita. Yo langi ekolebwa wano omusolo ogugiteereddwako ku buli liita oba kkiro guli ebitundu 3 ku 100 .

Sukaali ateereddwaako 100/- nga palamenti tekaanyizza na 300/- Gavumenti zeyali eteesezza.

Oluvannyuma lw'ebitongole okutegeeza akakiiko nti butto ayitiridde okuvaako endwadde, baasembye ekiteeso kya Gavumenti nti butto akozesebwa mu kufumba aggyibweko omusolo gwa 400/- ate omuzigo ogufumba 500/-.

Omusolo omulala ogulinyisiddwa okuva ku doola 70 okudda ku doola 1,500 buli ttani , gwe gw'ebintu bya pulasitiika okuli ebikopo, essowani, ensawo, obuseke, obuccupa n'ebirala nti kubanga biyitiridde okwonoona obutonde .

Omwenge , kika kya waragi ( Spirits ) oguva ebweru w'eggwanga Gavumenti egenda gusolooza ko 3500/-

Palamenti era yalinyisizza omusolo ku pikipiki eziwandiisibwa okuva ku mitwalo 200,000 okudda ku mitwalo 500,000

Akulira oludda oluvuganya mu palamenti, Joel Ssenyonyi, yasigadde akukuluma ng'alumiriza Gavumenti okulinnyisa emisolo awatali tteeka libalung'aamya.